


# Ndaula ne Pato -- Abe mikwano Abasinga

Penelope Smith
Rob Owen

Luganda

African Storybook.org




Sisinkana Ndaula. Alina emyaka 10 era ali mu kibiina eky’okutaano ku ssomero ly’oku kyalo. Ndaula bulijjo abela  ku ntikko mu kibiina kye. "Ekyama kye kye ki?" banne ku ssomero beebuuza.

"Akola bulungi nnyo mu kusoma n'okuwandiika. Akikola atya?" beebuuza. Ndaula abagamba nti kiva ku kuba nti asoma ebitabo bingi. Nga bwe bamala ebiseera byabwe nga tebalina kye bakola, ye ebiseera bye byonna eby’eddembe abimala ng’asoma.



Ndaula oluusi afuna nusu kanana nga sente zo kuba nazo musawo mu wiiki. Ssente z'omu nsawo ezisinga azisaasaanya ku bitabo mu dduuka ly'ebitabo ebikade ku kyalo kye.

Kale Ndaula afuna atya ssente z'omu nsawo ezimala ebitabo bino? Soma wano omanye.




Sisinkana Pato, ente yo mu maka ekamibwa. Evamu amata agasukka mu liita 20 buli lunaku. Taata wa Ndaula atunda amata.

Ente yeetaaga emmere n’amazzi, n’obudde ojilunda  ku tale. Kale buli lunaku oluva ku ssomero Ndaula ayamba ku mulimu guno. Taata wa Ndaula amuwa ssente z'omu nsawo olw'omulimu gw'akola. Era ssente zino Ndaula z’atereka okugula ebitabo buli wiiki.



Okusooka, Ndaula awa Pato ekibinja kya kaloti. Amuwa kaloti munaana ddala olunaku. Buli lunaku alonda kaloti okuva mu kitundu kya kitaawe eky’envа endiirwa, ezimala olunaku lumu omulundi gumu.

Osobola okukubaganyizamu. Ojja kwesanga nga Pato alya kaloti kumpi 60 buli wiiki. Osobola okumanya ddala ziba mmeka?



Oluvannyuma lw’ekyo, Ndaula atwala Pato ku tale. Kitaawe yamulabula okukuma essaawa n’obutawa Pato ssaawa ezisukka mu ssatu kubu tund tundu buna nga alya.

Pato atera okutandika okulya ku ssaawa nga munnana n’e dakika kumi natanno, Ndaula asobole okumuzzayo mu kiyumba ky’okukama ku ssaawa 9.

Mu budde obw’obutiti bwe buba buzibye mangu, Ndaula ayinza okutandika okulunda nga bukyali, nga kusawa musanvu nekitundu.



Ekiddako Ndaula awa Pato amazzi. Awatali mazzi Pato tajja kuvaamu mata, ne bw’amuliisa atya. Ndaula akyima baketti za amazzi okuva mu ppampu y’ekyalo kubanga tewali eli okumpi.

Ekikalayi kya Pato kitwala liita z’amazzi nga 30. Baketti ya Ndaula etwala liita 5 zokka. Kale okujjuza ekikalayi Ndaula alina okukola engendo nnyingi. Osobola okukola ku lugendo lw’alina okukola?



Olwo, Ndaula n’atwala Pato ewa kitaawe okumufunira ensawo y’empeke eya kkiro 12 buli lunaku. Ndaula abalirira nti kumpi kkiro 90 buli wiiki.

Buli nsawo egula sh. 30000. Ndaula abalilira mu ku ssente z’emmere ey’empeke buli wiiki. Asooka kubalilira mu ku ssente z’ensawo 7 ku sh.30000. ekifuula sh.210,000 Oluvannyuma aggyako sh.70,000 okufuna sh.140000. "Ekyo bwe kiri.  Zi suka sh100,000 omwezi!" Ndaula atebeleza. Mutuufu?



Taata wa Ndaula akama Pato emirundi ebiri olunaku. Akola amata liita nga 24 olunaku, kale buli lw’akama liita nga 12.

Oluusi Ndaula ayambako mu kukama naye nga si kyangu nga bwe kirabika. "Olunaku lumu," bw'alowooza mu mutima gwe, "Nja kuba n'ente zange era n'okukama kwonna nja kukikola nzekka."



Kitaawe ayuwa amata okuva mu baketi ennene agayiwa mu budomola obutono obwa liita bbiri oba mu bucupa eza liita emu. Olwo amata ago agatunda buli liita sh.800.

Omulundi gumu mu wiiki taata wa Ndaula awaayo liita z'amata 25 eri enteekateeka y'okuliisa amasomero. Buli mwana afuna liita y’amata gano. Ekyo kitegeeza nti abaana 100 bafuna amata ku lunaku luno.




Ku buli liita y’amata agatundibwa, Taata wa Ndaula amuwa sh.200. Ekyo tekiwulikika nga kinene, naye kitaawe bw’atunda liita 24 olunaku, kifuka kinene nnyo. Osobola okumanya ssente mmeka?

Ndaula atereka ssente ze okutuusa ku Lwomukaaga lw’akola olugendo okugenda mu dduuka ly’ebitabo. Buli kitabo kigula wansi wa sh.10,000. kale mu week emu, asobola okugula bitono.



Ndaula naye ayagala nnyo okunywa amata ga Pato. Kitaawe agamba nti amata gayamba okuzimba amagumba amagumu n’amannyo n’okufuula omuntu omulamu omulungi n’okubeera omulamu .

Kale olw’okunywa amata n’okulya enva endiirwa nnyingi okuva mu nimiro eya kitaawe, Ndaula aba mugumu era mulamu bulungi. Tatera kulwala era talumwa njala.



Ndaula teyerabira kwebaza Pato ku nkomerero ya buli lunaku. Amusasula kaloti oba ebikoola bya sipinaki eby’enjawulo by’asanga nga bigalamidde mu nimiro.

"Weebale Pato, oli mukwano gwange nnyo! kankwebaze kululwo ndi wa maanyi, mulamu bulungi era mugezi. Singa si ggwe sandisobodde kugula bitabo byonna ebinnyamba okubeera ku ntikko y'ekibiina kyange."

Oli wa ddembe okuwanula, okukoppa, okuvvuunula oba okukyusakyusa emboozi eno n’okukozesa ebifaananyi kasita oba ng’ossaako mu ngeri eno wammanga.

Ndaula ne Pato -- Abe mikwano Abasinga

**Omuwandiisi**-- Ruth Odondi
**Omuwandiisi** -- Penelope Smith
**Omukubi webifananyi** -- Rob Owen
**Olulimi** -- Luganda
**Eddala** -- Soma mu ddoboozi ery’omwanguka

© Ekitabo ky' Emboozi z' Afirika ne Molteno Institute, 2017
Ebiwandiiko ebiyiiya: Okuwandiika 4.0
**Ensibuko** www.africanstorybook.org

**2026.07.10**